BANK OF UGANDA

Deposit Protection Fund of Uganda
YOUR DEPOSITS ARE PROTECTED

OKUJJUKIZA

OKUJJUKIZA ABATEELEKA ENSIMBI MU BBANKA EZ'OBUSUUBIZI N'EBITONGOLE BY'ENSIMBI EBIRALA OKUZZA OBUGGYA EBIWAANDIIKO EBIBAKWAATAKO

Kampala, October 12, 2020 – Bbanka ya Uganda Enkulu (Bank of Uganda) awamu n'ekitongole ekivunaanyizibwa ku kukuuma ensiimbi z'abaantu eziterekebwa mu bbanka ez'enjawulo (Deposit Protection Fund of Uganda), bajjukiza bakasitooma bonna aba bbanka ezebyobusuubuzi awamu n'ebitongole ebirala ebitereka ensiimbi z'abaantu n'okuwola , nga birung'amizibwa bbanka ya Uganda enkulu, okuzza obuggya ebiiwaandiiko ebibakwaatako mu bitongole ebyo.

Mu nteekateeka eno, bino wammanga byetaagisa:

1) **Ennamba (NIN) eri ku ndagamuuntuyo ey'eggwanga (National Identification Number).**
2) **Ebikwata ku ngeri endala gy'osobola okusasulwamu singa kiba kyeetaagisizza. Eno esobola okuba akawunta mu bbanka endala oba ennamba y'essimu gy'okozesa okufuna n'okuweerezza ensimbi (eya Mobile Money).**

Ekitongole ekivunaanyizibwa okukuuma ensiimbi z'abantu eziterekebwa mu bbanka ez'enjawulo (Deposit Protection Fund of Uganda) kyetaaga okuzza obuggya ebibakkwaatako byammwe okubasobozesa okubeera obuliindaala okusasula amaangu ddaala abateleesi era mu budde ensimbi zaabwe zebaba baatereka mu bbanka zaabwe singa bbanka yonna ebeera eggaddwa nga kizuuliddwa nti tekyalina busobozi kuddukanya mirimu egigisuubirwamu. Obuvunaanyizibwa buno buuweebwa ekitongole kino (Deposit Protection Fund of Uganda) mu tteeka erifuga ebitongole by'ebyensimbi erya Financial Institutions Act, 2004 n'ennongoosereza ez'enjawulo ezizze zirikolebwamu.

Bbanka ya Uganda enkulu etwaala omukisa guno okugumya abantu mwenna nti ekisaawe ky'ebyensimbi mu Uganda kisigadde kinywevu.

Olw'ekirwadde kya ssenyiigga omukaambwe (Covid -19), bakasitooma ba bbanka bonna bakubirizibwa okutukirira bbanka zaabwe ez'enjawulo zibalung'amye ku ngeri gye bajja okuzza obuggya ebiiwaandiiko ebibakwatako mu bwangu nga bwekisoboka.

Okumanya ebisingawo tuukirira:
Bbanka Enkulu eya Uganda ku info@bou.or.ug oba
Deposit Protection Fund of Uganda ku info@dpf.or.ug .

Prof. Emmanuel Tumusiime-Mutebile
Governor
Bank of Uganda

Julia Clare Olima Oyet
Chief Executive Officer
Deposit Protection Fund of Uganda